# AMAKUBO AGAKUYAMBA OKUBA OMUNYWEVU KU DDIINI

## وسائل الثبات - أوغندي

جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات في الزلفي
هاتف: 164234466 966 ـ فاكس: 164234477 966

# وسائل الثبات

أعده وترجمه إلى اللغة الأوغندية

جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي

الطبعة الأولى: ٨ /١٤٤٥ هـ

ح جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي ، ١٤٤٥هـ

بالزلفي ، جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات
وسائل الثبات - أوغندي. / جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية
الجاليات بالزلفي ؛ جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات الزلفي
- ط١. .- الزلفي ، ١٤٤٥هـ

٤٨ ص ؛ ١٢/١٧ سم.- (1 ؛ ١)

رقم الإيداع: ١٤٤٥/١٨١٠٩
ردمك: ٩٧٨-٦٠٣-٨٣٩٩-٣٢-٣

# AMAKUBO AGAKUYAMBA OKUBA OMUNYWEVU KU DDIINI

# وسائل الثبات

الحمد لله نحمده ونستعينه ونستغفره ونعوذ بالله من شرور أنفسنا وسيئات أعمالنا، من يهده الله فلا مضل له، ومن يضلل فلا هادي له، وأشهد أن لا إله إلا الله وحده لا شريك له، وأشهد أنّ محمدا عبده ورسوله، أما بعد

Mazima ebitendo by'omusiraamu ow'amazima era n'enkizo eyawaggulu gy'abeera nayo ku balala abasigadde, kw'ekubeera omusiraamu omunywevu ku ddiini, era eyeekutte ku mpisa z'omubaka Muhammad (S.A.W) n'okumuluŋŋamirako mu buli nsonga yonna ewatali kuwugukawuguka wadde okumwaawukanako olw'okubuzaabuzibwa kwonna kwe baba bakuleetedde oba okugoberera okwagala kw'omwoyo gwo kwonna okuba kukujjidde, oba okukemebwa kwonna (Fitina) ebeera ereeteddwa nga ebunye wonna.

Kubanga okubuusabuusa wakati w'amazima n'obulimba n'otuuka n'okuleka Sunna ezo enkakafu ezimanyiddwa nga ewamu n'ekyo obadde ozitaddeko ne munkola kubanga ozimanyi, ate oluvannyuma n'ozesamba, eyo ssi nkola y'abakkiriza

abalina obukkiriza obwannamaddala, wabula eyo ebeera nkola y’abannanfuusi era abakaafiiri, abo abatendebwa mu Qur’an n’ebitendo eby’obukendeevu mu bigambo byabwe ne mubikolwa byabwe. Agamba Allah mu Surat Hajji, Aya 11;

قَال تعالى: ﴿ وَمِنَ النَّاسِ مَنْ يَعْبُدُ اللَّهَ عَلَى حَرْفٍ فَإِنْ أَصَابَهُ خَيْرٌ اطْمَأَنَّ بِهِ وَإِنْ أَصَابَتْهُ فِتْنَةٌ انْقَلَبَ عَلَى وَجْهِهِ خَسِرَ الدُّنْيَا وَالْآخِرَةَ ذَلِكَ هُوَ الْخُسْرَانُ الْمُبِينُ ﴾

*"Ne mu bantu mulimu abasinza Katonda nga bamusinziza ku ndeboolebo ya bukkiriza (nekiba nti), bw'atuukibwako obulungi abutebenkererako, naye ate bwatuukibwako ekibi akyukirawo awo wennyini mumaasoge neyeerabira edddini (n'aba nga) yafaafaaganirwa ensi n'enkomerero, okwo kwekufaafaganirwa okweyolefu”.*

Mazima okunywerera ku nkola ey’amazima n’okugyenywerezaako, ddala ky’ekimu ku bintu omukkiriza by’ateekwa okwekwatako ennyo era n’abikolerako, era bino byombi kimanye nti okubifuna kyengera omukkiriza ky’ateekwa okwebaza n’okukyekuumira.

Ekigendererwa (amakulu) mu kwenywereza ku mazima kwe kw’ekwata ku kugondera Allah, n’okutuukiriza ebilagiro bye mw’ebyo Allah

byeyatulaalikako n'okwesambira ddala bye yaziyiza era embeera eyo n'oginywererako, era nga bwekiri mu Hadiith:

عَنْ سُفِيَانِ بُنْ عَبدَالله الثَّقَفِي قَال: قُلْتُ يَا رَسُوْلَ اللهِ، قُلْ لِي فِي الإِسْلاَمِ قَوْلاً لاَ أَسْأَلُ عَنْهُ أَحَدًا بَعْدَكَ، قَالَ: قُلْ آمَنْتُ بِاللهِ، ثُمَّ اسْتَقِمْ.

Agamba Sufiyani bun Abdallah Athaqafi nti: nagamba nabbi (S.A.W) nti: *Mbuuliraayo mu busiraamu ekigambo kye sigenda kuddamu kubaako muntu mulala yenna gwenkibuuza, Nabbi n'amuddamu nti gamba: Nzikirizza Allah, oluvannyuma onywere"*

Hadiith eraga nti: omubaka (S.A.W) yamulagira okunywera nga nakwo kw'ekukwata ekkubo ettuufu ery'obuluŋŋamu olukwata olunywevu olulambulukufu olutaliimu kkoona lyonna. Wadde okw'awukana ku mazima, okwonno kwe kunywera okwannama ddala.

N'olwekyo obunywevu obwannama ddala kwe kw'ekwata ku ddiini ya Allah kungulu ne munda, n'onywerera ku nzikiriza entuufu n'onywerera ku kusinza Allah omu n'okumukkiriza mu nzikiriza entuufu era n'obeera munywevu eri empisa ennungi. Byekityo era obunywevu ku nkolaganaayo ennungi n'abantu mu bintu eby'enjawulo bwe bunywevu obwannamaddala era obujjuvu (obusiraamu bwebwagala). Era obeera oteekwa

okubyekwatako mu buli mbeera mu buwangaazibwo, gamba nga wenywerezza mu kubeera nga oddiŋŋana omuzikiti mu bulamu bwo bwonna, n’okubeera n’obunywevu kumulimo gwo nga otuukiriza buli kimu nga w'oteekeddwa okukikola, nebwoba oli mu katale oba wakaawo oba yonna awalala. Allah agamba mu Suratu Ani-am Aya 161-162 nti:

قَال تعالى: ﴿ قُلْ إِنَّ صَلَاتِي وَنُسُكِي وَمَحْيَايَ وَمَمَاتِي لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٦٢﴾ لَا شَرِيكَ لَهُ وَبِذَٰلِكَ أُمِرْتُ وَأَنَا أَوَّلُ الْمُسْلِمِينَ ﴿١٦٣﴾ ﴾

*"Bagambe mazima esswala yange n’okusala kwange (nga nsala ebisolo), n’enkola yange ey’emikolo nga bwengikola mu Hijja, n’okufa kwange, n’obulamu bwange byonna bino biri mu mikono gya Katonda omulezi w’ebitonde, era talina amugattibwako mu bwa katonda bwe era ekyo kyennalagirwa (eky'okumwawula) nange nze mubereeberye mu bamugondera"*

Bw’atyo omuntu bw’afuna obunywevu mu ddiini era nadda eri Allah, n’okukola emirimo emirungi mu kuteeka mu nkola amateeka n’ebiragiro bya Allah, asanga mu mutima gwe nga awulira nti asenvudde avudde mu bulamu obw’abulijjo n’agenda mu bulamu obupya. Era awulira mu mutima nga asiibudde obulamu obw’omuzannyo n’omugayaalo era obulamu obw’obujeemu n’obw’onoonefu, era

obw'okwewaggula ku Allah. Nti era azze gyali Allah, olwonno abeera omuntu ono asanye yeetegekere embeera gy'awangaalamu amakulu wwa wawangaalira, nabantu ki b'awangala nabo nga batuukagana n'obulamu obwo obupya bw'ayingiddemu era abeere mu mbeera esobola okumukyusiza obulamu bwe n'abukuumira mu ngeri esanyusa oyo eyamutonda Allah.
Gamba nga ebitabo by'abadde asoma ebitayina kye bimuzimba abiwanyiseemu ebitabo by'obusiraamu, nga *magazine* z'abadde asoma ezitali z'abusiraamu nazo aziwanyiseemu ez'obusiraamu, era n'entambi z'ennyimba z'abadde awuliriza nazo n'aziwanyisaamu ez'obusiraamu. Ky'ekimu okutuuka ne kukwebaka bw'abeera nga abadde yeebaka nga obudde buyise, n'akyusa n'atandika okwebaka nga bukyali asobole okuzuukuka asaaleko ku Swala y'ekiro (Tahajjudi) n'okusaala esswala ya Subuhi (Fajiri) mu budde bwayo obutuufu. N'emikwano gy'abadde atambula nagyo mu bw'onoonefu abeera ateekwa okugikyusa n'afuna egyo gy'agenda okutambula nagyo mu kutya Allah era ne gimuyamba okunywerera ku mazima n'okutya Allah, kubanga omuntu abeera kuddini ya mukwano gwe.
Nabwekityo ne munsonga endala bwatyo bw'aba agenda nga akola.

Okunywera nga onywerera ku ddiini ya Allah, nsonga eyetaagisa era musingi mukulu ennyo eri buli musiraamu yenna ow’amazima, oyo ayagala okuluŋŋamira ku kkubo eggolokofu n’okubeera ow’ekitiibwa era omuwanguzi mu mbeera y’okugezesebwa okungi ne mukiseera nga obwonoonefu ne banannyini bwo naabo abakowoola abantu okubwenyigiramu, kubanga mu bantu mwemuli ababugwamu olw’okutya (okuswala n'ebirala) ate mu bo mulimu ababugwamu olw’okubwagala ate newabaawo ababugwamu olw’obutamanya.

Tunuulira mu kiseera nga kino, ebintu ebituufu mwebikyukidde, abantu nebabiraba kyennyume era n’entegeera y’abantu nayo n’ekyuka era n’ebikemo nebisukka obungi era n’ebirabankanya abantu nabyo nebiyinjiwala, so nga n’amakubo g’obubuze negabeera mangu nnyo okugafuna n’okugatuukako. Era ensi n’etandika okukyusa emitima gy’abantu olw’ebyengera byayo eby’akaseera akatono.
Mazima mu mulembe ogufaanana guti, nga bwetugunyonyodde, tolaba nga obwetaavu tulina bunene nnyo obw’ennuŋŋamya y’omubaka (S.A.W) eyo mw’akoowoolera abaddu ba Allah okwewalira ddala ebikolwa ebikyamu n’okunywerera ku ddiini ey’amazima nga bw’agamba mu Hadiith eyawandiikibwa Imaam Musilim:

قَالَ رَسُولُ اللهِ صَلَّى اللهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ: (يَا عِبَادَ اللهِ أَثْبِتُوْا ) رواه مسلم

Agamba omubaka (S.A.W) nti: *"Abange mmwe abaddu ba Allah mubeere banywevu ku diini".*

Mazima obunywevu naddala mu kiseera ky'ebizibu, n'ebigezo, ne mu mbeera y'okuwundirwa kwe dduniya n'okulabankanya kwayo, omuntu bw'aba munywevu n'atalabankanyizibwa nabyo, ekyonno kiba ky'akweyagala nakyo nakwesiima, abaddu ba Allah abalongoofu bye beesiima nabyo ababa bategeera nti ebikemo kubeera kugezesebwa Allah kw'agezesa nakwo abaddu be abakkiriza ate nga kibonerezo eri abonoonefu abo abatwala eddiini nga eky'omuzannyo.

Era ekibinja ky'abakkiriza okufuna kwabwe obunyigo bwonna, ekyo tekibajja ku ddiini yabwe wadde okubakendeeza obukkiriza bwabwe, wabula obunyigo gyebali bubongera kumatira nti ekkubo lyebakutte lyekkubo ery'amazima nga bwe baali abaakulembera era nekyongera okubalaga obukulu bw'okwekwata ku nkola y'abalongoofu n'okutambulira mu buufu bwabwe. Nga bw'agamba Allah mu Surat Ankabuut, Aya 1-3;

قَال تعالى: ﴿الـم ۝١ أَحَسِبَ النَّاسُ أَنْ يُتْرَكُوا أَنْ يَقُولُوا آمَنَّا وَهُمْ لَا يُفْتَنُونَ ۝٢ وَلَقَدْ فَتَنَّا الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَلَيَعْلَمَنَّ اللَّهُ الَّذِينَ صَدَقُوا وَلَيَعْلَمَنَّ الْكَاذِبِينَ ۝٣﴾

*"Aliif Laam Miim, abaffe abantu balowooza nti bagenda kulekebwa bulekebwa bagambe nti tukkirizza nga tebagezeseddwa, mazima tw'agezesa abo abaabasookawo olubereberye lwabwe tulyoke tumanyire ddala abo abali ku mazima era tumanyire ddala abo abalimba".*

Obunywevu kitegeeza omuntu okugenda mu maaso nga atambulira ku kkubo ly'obuluŋŋamu n'okuteeka mu nkola amateeka nga Allah wamu n'okuwangaalira mu bikolwa ebirungi n'okukola kaweefube buli kiseera ow'okwongera ku birungi bye era y'ekuuma okulaba nga buli kiseera emirimo gy'olwaleero ate gisinga kugyeggulo ate n'egyenkya gisinga kugy'olwaleero nga buli lunaku oluyitawo alulaba nga lumusembeza eri ennyumba eyenkomerero.

Era buli muntu ateekwa okubeera alina ekiseera ky'ayitamu nga mujjumbize nnyo so nga ate omukkiriza ateekwa okulwanyisa omutima gwe n'okugukaka okuguminkiriza okulaba nga buli kiseera kyonna gubeera gw'ekuumidde kukukola emirimo emirungi n'okwanguyiriza era okululunkanira ekyo ekimuleetera okw'esiima

n'okuwona era n'obuwanguzi olunaku lw'enkomerero.
Allah agamba mu Surat Al-imraan Aya 200 nti:

قَال تعالى: ﴿يٰأَيُّهَا الَّذِيْنَ ءَامَنُوْا اصبروا وصابروا ورابطوا واتقوا الله لعلكم تفلحون﴾

*"Abange mmwe abakkiriza muguminkirize era mukubirize n'abalala okuguminkiriza era mubasinge abakaafiiri mu kuguminkiriza era mube banywevu era mutye Allah olwonno mufune okwesiima"*
Era n'agamba Allah mu Suratu Hadiid, Aya 21 egamba nti:

قَال تعالى: ﴿سَابِقُوا إِلَى مَغْفِرَةٍ مِنْ رَبِّكُمْ وَجَنَّةٍ عَرْضُهَا كَعَرْضِ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ أُعِدَّتْ لِلَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ ﴾

*"Mwanguwe nnyo okw'eyunira okusonyiwa n'okusaasira okuva eri omulezi wammwe, n'ejjana obugazi bwayo bwenkana obugazi bweggulu n'ensi"*

Kati wadde nga omuntu abeera munyiikivu nnyo okw'ekuuma ku mateeka ga Allah naye era kisobola okujja ekiseera n'abamu n'obukendeevu oba n'agwako ne munsobi naye olw'obunywevu obumuli mu mutima kuddiini ya Allah ayanguwa mangu okubeera nga yeenenya eri Allah era nadda gy'ali.

Allah yannyonnyola mu kitabo kye Qur'an mu Suura ezenjawulo nga ayogera ku bunywevu mu diini mu bulamu bw'omusiraamu bw'awangaaliramu, era ekyo teyakikola okujjako olw'okwagala omusiraamu amanye obukulu bw'ensonga eno era akole kawefube okulaba nga adda ku mbeera gyebaagitwalamu abaatukulembera abalongoofu mu ba swahaaba neb a (Tabieena) abaabagoberera mu bulongofu. Era obukulu bw'okwekwata ku ddiini n'okunywera ku yyo bukutaasa n'obeera mu kkola mirimu mirungi nga ne mu byebukutaasa mw'emuli okuwona obuzibu bw'abantu abawangaala nga mubo temuli ddiini so nga bawangaala wamu n'abasiraamu, naye nga ebikemo n'obulagajjavu byebalina ku ddiini n'okugoberera okwagala kw'emitima gyabwe n'ebyobwagazi bye bibaleetera ensonga y'okwesamba eddiini olwonno oyo abeera y'ekutte ku ddiini era n'alaba ebintu n'embeera eyewunyisa.
Mpozzi nga omubaka (S.A.W) bweyagamba mu Hadiith eyawandiikibwa Tirmidh nti:

(يَأْتِي عَلَى النَّاسِ زَمَان الصَّابِرُ فِيْهِمْ عَلَى دِيْنِهِ كَالْقَابِض عَلَى الْجَمر)

Agamba omubaka (S.A.W) nti: *"Gugenda kutuuka omulembe eri abantu, nga oyo abeera aguminkirizza ku ddiiniye alinga akutte eryanda ly'omuliro mu ngaloze".*

N'olwekyo tewali kubuusabuusa, kyeraga bwerazi era nga kiri mu giraasi nti obwetaavu omusiraamu w'omulembe guno bw'alina eri ensonga y'obunywevu mu ddiini bunene nnyo okusinga mugandawe bweyalina mwabo abawangalira mu mulembe ogw'akulembera (Abasalafu) era nga nekaweefube ateekeddwa okuteekebwawo olw'okufuna obunywevu obwo, y'ateekwa okuba omunene. Olw'ensonga nti omulembe guno gw'onoonese nnyo n'obutono bw'obwa Sseruganda n'obunafu bw'okuyambagana.

# AGAMU KU MAKUBO AGALEETA OBUNYWEVU

Mazima ku lw'okusaasira kwa'Allah gyetuli, yatunnyonyola mu kitabo kye Qur'an ne mu sunna za nabbi we Muhammad (S.A.W) n'atulaga amakubo agayamba omuntu okufuna obunywevu nga tubirabira ne mubyafaayo bya Nabbi (S.A.W). Wano tukuwaako ebimu kubyo:

## 1) Okw'ekwata ku Qur'an

Qur'an ey'ekitiibwa ly'ekkubo erisooka okuyamba omuntu okubeera omunywevu ku ddiini. Omuntu agyekwatako, Allah amukuuma era oyo agikolerako Allah amuwonya n'amutaasa era n'oyo ate akowoola

abantu okudda gy'eri, Allah amuluŋŋamya ku kkubo eggolokofu.
Era nga Allah bweyanyonnyola ku yyo nti: ensonga lwaki yagissa mu bitundu tundu nga nyinyonnyofu, etegeerekeke, kwali kunyweza, nga bw'agamba nga ayanukula okubuzaabuza kw'abakafiiri bwe bagamba. Mu Surat Furuqan, Aya 32-33 Allah agamba:

قَالَ تَعالى: ﴿ وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَوْلَا نُزِّلَ عَلَيْهِ الْقُرْآنُ جُمْلَةً وَاحِدَةً كَذَلِكَ لِنُثَبِّتَ بِهِ فُؤَادَكَ وَرَتَّلْنَاهُ تَرْتِيلًا ۝٣ وَلَا يَأْتُونَكَ بِمَثَلٍ إِلَّا جِئْنَاكَ بِالْحَقِّ وَأَحْسَنَ تَفْسِيرًا ۝٣ ﴾

*"Nebagamba abakafiiri nti lwaki tassiddwako Qur'an omulundi gumu (yonna), nabwekityo tugissa bw'etutyo mpola mpola tubeere nga tukunyweza omutima gwo era netussa Aya empya ku mpya, nga tuzitegeka olutegeka olulungi, era tebakuleetera ky'akulabirako kyonna okujjako tukuleetera ekyo eky'amazima ate era ekisinga okunyonnyola (ensonga)".*

**Lwaki Qur'an y'ensibuko y'okunyweza omuntu**

(i) Kubanga esiga obukkiriza mu mutima gw'omuntu, era n'enyweza olujegere olumuyunga ku mulezi we Allah.

(ii) Kubanga ezzaayo okubuzaabuza kw'abalabe b'obusiraamu mu bakafiiri n'abannanfusi kwe baleeta eri abakkiriza.
(iii) Eyongera omusiraamu obunywevu n'okusoma okumufuula amanyi amazima era ayina obwesigwa n'okkakasa obutuufu bw'enkola entuufu n'enzikiriza entuufu.

## 2) Okumanya

Nga n'ekyokubiri ekiyamba omuntu okubeera omunywevu kwe'kubeera n'okumanya kubanga omuntu atambulira mu butamanya afaanana nga oyo ali mu kizikiza, so nga oyo atambulira mu kizikiza bulijjo agwannyo mu nsobi ate oluusi n'ateeba ekituufu naye nga tamanyi.
Era oyo atambulira mu butamanya kiba kyangu nnyo okugwa mu mugayaalo ne mu kubuzibwabuzibwa oba okugwa mu by'obwagazi by'omutima gwe.

**Naye yenna anoonya okumanya ateekwa okutunuulira ensonga zino wammanga:**

(i) Okulongoosa enniya ye n'asoma lwa kusanyusa Allah.
(ii) Okuleeta enniya nga anonya kwejja mu butamanya ye kennyini.
(iii) Okuleeta enniya y'okujja obutamanya mu Ummah

(iv) Okuleeta enniya nti anoonya okumanya akuume Sharia y'obusiraamu n'okugilwanirira.
(v) Okunoonya okumanya abeere nga asaasanya enzikiriza entuufu ey'obusiraamu.

**3) Okuteeka mu nkola amateeke g'aAllah n'okukola emirimu emirungi**

N'ekyokusatu mu biyamba omuntu okufuna obunywevu; kw'ekuteeka munkola amateeka n'ebilagiro bya'Allah n'okukola emirimu emirungi. Nga bw'agamba Allah mu Surat Ibrahim, Aya 27;

قال تعالى: ﴿ يُثَبِّتُ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا بِالْقَوْلِ الثَّابِتِ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَفِي الْآخِرَةِ وَيُضِلُّ اللَّهُ الظَّالِمِينَ وَيَفْعَلُ اللَّهُ مَا يَشَاءُ ﴿٢٧﴾ ﴾

*"Anyweza Katonda abo abakkiriza n'ekigambo ekinywevu mu bulamu buno obw'ensi, n'obwenkomerero, ate n'abaleka abo abalyazaamanya bbo nebabula, bwatyo Allah akola ekyo kyonna ky'aba ayagadde".*

N'olwekyo, kwo kuno kunsi Allah abanyweza abakkiriza n'obulungi wamu n'okukola emirimu emirungi. Ate kwo kunkomerero muntaana zabwe bamalayika ababiri bw'ebabuuza ebikwata ku Katonda wabwe ne kuddiini yabwe ne ku Nabbi wabwe baanukula ebituufu.

Era Allah agamba mu Suratu Nisaa-e, Aya 66 nti:

قال تعالى: ﴿ وَلَوْ أَنَّهُمْ فَعَلُوا مَا يُوعَظُونَ بِهِ لَكَانَ خَيْرًا لَهُمْ وَأَشَدَّ تَثْبِيتًا ﴿٦٦﴾ ﴾

Allah agamba nti: *"Mazima bbo singa bakola ebyo eby'abalagirwa nebibabuulirirwa, kyandibadde kirungi gyebali era nekibafuula abaamanyi mu bunywevu".*

Era kyandibafudde abaamanyi mu kunywerera ku mazima, so nga kino kitegeerekeka bulungi, abaffe omuntu omugayaavu asuubira atya okunywezebwa ku mazima nga yye azze mu mugayaalo ku kukola emirimu emirungi nga waguddewo okugezesebwa.

So nga abo abakkiriza nebakola emirimo emirungi Allah omulezi wabwe abanyweza. Y'ensonga lwaki yali nga Nabbi (S.A.W) awangaalira ku mirimo emirungi ate omulimo ogusinga obulungi eri Allah, gw'egwo omuntu gw'akola n'aguwangaalirako kagubeere nga agukola mu butono.

4) **Okufumintiriza ku byafaayo bya ba nabbi** Okubisoma, obiruŋŋamirako n'oyongera n'okunywera. N'obujulizi ku nsonga eno; Allah agamba mu Surat Hood, Aya 120;

قال تعالى: ﴿ وَكُلًّا نَقُصُّ عَلَيْكَ مِنْ أَنْبَاءِ الرُّسُلِ مَا نُثَبِّتُ بِهِ فُؤَادَكَ وَجَاءَكَ فِي هَذِهِ الْحَقُّ وَمَوْعِظَةٌ وَذِكْرَى لِلْمُؤْمِنِينَ ﴿١٢٠﴾ ﴾

*"Nabwekityo tukunnyonyola ebyafaayo by'ababaka tubeere nga tunyweza omutima gwo era nemukino gakujjidde amazima n'okubuulirira n'okujjukiza eri abakkiriza".*

N'olwekyo, tolowooza nti Aya ezo zakka ku mulembe gw'omubaka nga bya lusaago, zaalina ekigendererwa kinene ennyo nga nakwo kwe kunyweza omutima gw'omubaka (S.A.W) wamu n'abakkiriza nga mw'obatwalidde.

**5) Okusaba Allah**

Mu bitendo by'abaddu ba Allah abakkiriza, kw'ekwolekera eri Allah ne bamusaba abeere nga abanyweza, ate okusaba y'emu ku nsonga enkulu ennyo ekutuusa eri obunywevu mu ddiini nga ne mudduwa ezo mw'emuli eyo eyajja mu Suratu Al-Imran, aya 8:

قال تعالى: ﴿ رَبَّنَا لَا تُزِغْ قُلُوبَنَا بَعْدَ إِذْ هَدَيْتَنَا ﴾

*"Ayi Katonda mukama waffe, tobuza mitima gyaffe oluvannyuma lw'okutuluŋŋamya"*

Era n'agamba mu Suratu Baqara, Aya 250 nti:

قال تعالى: ﴿ربنَّا أَفْرِغ عَلينا صَبرًا وثبت أقدَامنَا﴾

Allah agamba nti: basaba nga bagamba nti: *"Ayi Katonda mukama waffe tujjuzeeko obuguminkiriza era onyweze amagulu gaffe (obutava ku kituufu)"*

Era yali nga omubaka (S.A.W) ayitiriza nnyo okusaba nga agamba nga bwekiri mu Hadiith eyawandiikibwa Tirimizi nti:

يَا مُقَلِّبُ الْقُلُوْبَ ثَبِّتْ قَلْبِي عَلَى دِيْنِكَ

Yagambanga nti: *"Ayi Katonda wange, akyusakyusa emyowo, nyweza omutima gwange ogunywereze ku ddiini yo".*

## 6) Okujjukira Allah

Omuntu bw'ayitiriza okujjukira Allah, ly'erimu ku makubo agagasa ennyo omuntu okufuna obunywevu kubanga kulina kye kuleeta kinene nnyo mu mutima gw'omukkiriza era nga kisitula amakulu agannamaddala wakati w'omuddu ne Katonda we kuba okujjukira Allah mubaamu amaanyi agenjawulo ago agatasobola kuwangulwa.

## 7) Omusiraamu okufaayo n'alafuubana nnyo okutambulira ku kkubo ettuufu.

Nabwekityo omuntu ono ateekwa okutegeera eddiini entegeera entuufu era nga agijja mu Qur'an ne Sunna kuntegeera y'abaatukulembera abalongoofu, n'okwewala endowooza ezo ez'obuvune n'enzikiriza enkyamu ezaabula. Nga bw'agamba omubaka (S.A.W) mu Hadiith eyawandiikibwa Imaam Ahmad ne Abu Daawuda ne Tirimizi:

قَالَ رَسُوْلُ اللهِ صَلَّى الله عَلَيْهِ وَسَلَّمَ: [... إِنَّهُ مَنْ يَعِش مِنْكُمْ بَعْدِي فَسَيَرَى اخْتِلاَفًا كَثِيْرًا، فَعَلَيْكُمْ بِسُنَّتِي وَسُنَّةِ الْخُلَفَاء الرَّاشِدِيْنَ، تَمَسَّكُوْا بِهَا وَعَضُّوا عَلَيْهَا بِالنَّوَاجِذِ. وَإِيَّاكُمْ وَمُحْدَثَاتِ الأُمُوْرِ فَإِنَّ كُلَّ مُحْدَثَة بِدْعَة وَكُلَّ بِدْعَة ضَلاَلَة]

Agamba nti: Yagamba omubaka (S.A.W) nti: "*Yenna anawangaala mummwe, agenda kulaba enjawukana nyingi naye mbakuutira okw'ekwata ku nkola yange n'enkola y'abasigire bange abalongoofu abaaluŋŋamizibwa (ba swahaba). Mujekwateko era mujirume n'amannyo amagego, era mbeewaza ebintu ebiba bigunjiddwawo mu diini, mazima buli ekigunjiddwa buba bubuze (ate buli mubuze wa mumuliro)".*

## 8) Okugunjula

Okugunjula n'okulera okw'obukkiriza nga kusigamiziddwa ku kumanya okwo okw'eyolefu okutuufu, kya nkizo nnyo era omusinji omukulu ennyo mu bintu ebiyamba omuntu okufuna obunywevu mu ddiini kubanga okugunjula kuno kuzuukusa omutima era neguwangaalira mu kutya Allah n'okusuubira okusaasirakwe era n'okufuna obwagazi bwa Allah.

Okugunjula okw'obuyigirize n'okusoma nga kuzimbiddwa ku bujulizi obutuufu obugoberawo ddala eby'obuwangwa ebikontana n'eddiini.
Era kugunjula okutuufu okunnynyofu okutakwasa muntu kkubo ly'abajeemu era okuyamba omuntu okwetegekera abalabe b'obusiraamu n'okumanya embeera weetambula mu nsi.
Okugunjula okutambulira mu mitendera ku mutendera, nga kuyamba omusiraamu nga kumutwala nsonga kunsonga okusinziira ku busobozi bwe n'ekifo kye, era kye kyennyume ky'okupapa n'okwanguyiriza n'okwonoona.
Era okugunjula kuno kuteekwa okufiibwako nga omuntu akyali mumyaka emito, kubanga abavubuka mukwo babeera n'emitima emigonvu era emitima emiyonjo giba myangu gy'akuteekebwa mu mbeera esanyusa omutonzi wagyo, era n'empisa ennungi wamu n'ebitendo ebirungi ebiva mu muntu biba bikwatagana n'obwetaavu bw'omutima omulungi ogulimu obuntu bulamu nga gukola ebyo Allah by'ayagala ewatali kusukka kipimo kudda wansi wadde waggulu.

Era bwetuba tutunuulira ensonga eno ey'obunywevu ku ddiini, tusaana tugizzeeko mu byafaayo bya nabbi (S.A.W) olw'obukulu bwayo era twebuuze nti gwali musingi ki ogw'obunywevu ogwo

gwebaalina ba swahaaba ba nabbi (S.A.W) naddala mu kiseera ekyali eky'obutuubagiro n'obuzibu mu kiseera ky'eMakka!

Abaffe, tusobola okubeera nga okugunjulwa kwabwe okwabatuusa ku bunywevu bwebaalina nga kwesambizibwa eŋŋunjula enzito ennyo ejjibwa mu ŋŋunjula y'obwa nabbi?

Tufune eky'okulabirako ekya Swahaba ayitibwa *Habbaabu bun Aratti* okusiima kwa Allah kubeere gyali, swahaba ono yalinanga mukamaawe ayokya ekyuma mu muliro nekimyuka nga eryanda, oluvannyuma nebakimuyisaako ku mubiri gwe, ate nga ali bwereere omugongo tekuli lugoye era nga tewali ky'azikizanga muliro gw'akyuma kino okujjako amasavu agaavanga mu mubiri gwe nga bakimuyisaako. Naye abaffe, kiki ekyo era ŋunjula ki eyo eyamuleetera okubeera nga aguminkiriza (wakiri ebyo byonna babimukole naye nga tavudde mu ddiini ey'obusiraamu)?

Era jangu tugendeko ku swahaba ayitibwa *Bilal bun Rabah*, kiki eky'amuleetera okuba nga aguminkiriza nga ateekeddwako ejjinja eddene, ate nga agalamiziddwa mu musenyu ogwokya ennyo ate nga eno bw'abonerezebwa olubonereza olunene ennyo?

Ate tunuulira Sumayya n'omwanawe ne bba, kiki eky'abaleetera okubeera abagumu kw'ebyo byonna

ebyabatuusibwako mu bibonerezo, kati bwewaba nga tewaaliwo ŋunjula enzito eyabaleetera obukkiriza obuzito mu mitima gyabwe era nebunywera ne bubeera gguluggulu ate kiyinza kuba kki ekirala?!.

9) **Okw'ekakasa nti ekkubo lya mazima.** Tewali kubuusabuusa omuntu gy'agenda nga yeyongera okufuna obukakafu mu mutima gwe nti ekkubo eryo omusiraamu ly'akutte ly'ekkubo lyokka ettuufu, kino kimwongera okulinywererako olunywera olujjuvu era olunene, nga n'ebikuyamba kw'ekyo mw'e muli bino:

- Okufumintiriza n'okukakasa nti ekkubo eryo ly'okutte eggolokofu baalikwata dda bangi mubo abaakusooka. Nga nabbi n'abagoberezi b'amazima wamu n'abamanyi era n'abafiira muntalo z'eddiini ba (Shuhada) wamu n'abalongofu. Kino kikuyamba okukujjako endowooza egamba nti: oli mugenyi gwe osoose okukwata ekkubo eryo. Nekikukyusizamu okumanya nti tali omu mulyo, era nekikuleetera okw'esiima n'essanyu kubanga ofuna okufumintiriza mu mutima nti abantu abo bonna Baganda bo mu kkubo lino ne munkola yalyo.
- Okufuna era okufumintiriza mu mutima n'okumanya nti okuluŋŋamira ku kkubo lino

Allah yeyakulonda ate nga akujja mu nkuyanja n’enkuyanja y’abantu. Nga bw’agamba Allah mu Surat Namuli, Aya 59;

قال تعالى: ﴿قُلِ الحمدُ للهِ وسَلَام عَلى عِبَادِهِ الذينَ اصْطَفى﴾

Allah agamba nti: *"Amatendo gonna amalungi amajjuvu agataliimu bukendeevu bwonna ga Allah n’emirembe gibe kw’abo beyalonda"*

- Bwatyo beera nga weebuuza nti; kyandibadde kitya singa Allah yakutonda nga oli mukafiiri omuwakanyi, oba munnabidia ak’owoola abantu okubazza ku (bidia) obubuze mu ddiini omwonoonefu.
- Abaffe tolaba nga Allah okubeera nga yakulonda era n’akuteeka mu ddiini eri ku nkola y’aba swahaba entuufu era ey’amazima eyo gyeyaliko nabbi (S.A.W) wamu ne ba Swahaba be, tolaba nga kino kikuwaliriza okubeera nga onywerera ku nkola eyo gyebaaliko abalongoofu era ku kkubo eryo ery’abalongoofu.

## 10) Okwenyigira mu kukowoola abantu okudda eri Allah

Mazima okukoOwoola abantu okudda eri Allah ky’ekimu ku bintu ebikulu era ebinene ennyo mu kulongoosa omutima gw’omuntu, kubanga mulimo

gwa babaka ba Allah. Omutima bw'otagukozesa birungi, gutalagga era bw'otagukozesa mu kukola bintu birimu kugondera Allah, ate ggwo gujja kukukozesa mukujooga Allah kubanga kimanyiddwa nti obukkiriza oba Imaani erinnya ate oluusi nekka era nga erinnya n'okugondera Allah ate n'ekka olw'okujeeemera Allah.
N'olwekyo, nekubeera okukowoola abantu okudda eri Allah nga nsonga nnene etenkanika kubanga yeyongerako okubeera nga n'empeera omuntu ajikoze z'afuna nazo obungi bwazo tebutendwa, so nga era nga bwetulabye nti nalyo kkubo mu makubo g'okunywera.
So nga era oyo asazeewo okukola Da'awa, Allah abeera wamu naye amunyweza era n'amuwagira n'amutaasa okubeera nga amwerulira ekkubo lye asobole okutuukiriza omulimo ogwo ogwettendo. Era omukoowoze oyo (Daai) abeera nga omusawo alwanyisa obulwadde nga akozesa obumanyirivu bw'alina n'obukugubwe.
N'obujulizi obulaga nti omulimo guno ogw'okukowoola abantu okudda eri Allah gulimu obulungi bwansusso, Allah agamba mu Surat Fusswilat, Aya 33;

قال تعالى: ﴿ومنْ أَحْسَنُ قَوْلًا ممَّن دَعا إلى اللهِ وعَمِلَ صَالِحاً وَقَال إنني مِنَ المُسلِمِين﴾

Allah agamba nti: *"Ani oyo asinga okwogera ekigambo ekirungi okusinga eky'oyo akowoola abantu okudda eri Allah, n'akola n'emirimu emirungi era nga naye agamba nga akkiriza nti ndi musiraamu omukkiriza".*
Era agamba omubaka (S.A.W) mu hadiith eyawandiikibwa Imaam Bukhari nti:

قال رسول الله صلى الله عليه وسلم: [لَأَنْ يَهدِيَ اللَّهُ بِكَ رَجُلًا وَاحِدًا خَيْرٌ لَكَ مِنْ أَنْ يَكُوْنَ لَكَ حُمرُ النَعم]

Agamba omubaka (S.A.W) nti: *"Allah okukuluŋŋamizaako omuntu omu ky'ekisinga obulungi gy'oli okusinga okubeera nga olina eŋŋamiya emyufu"*
Mukiseera ekyo, eŋamiya emyufu y'entambula eyali esinga okuba eyebbeyi. Kati kigeraageranye n'emmoto esinga okuba ey'ebbeyi olw'aleero.

## 11) Okutambulira ewamu n'abantu abataasa ebyo nebabinyweza:

Ensonga ezo ezogeddwako nga ziri mu bitendo ebyo byeyatubuulira omubaka (S.A.W) bweyagamba mu hadiith eyawandiikibwa Ibun Majah:

قال رسول الله صلى الله عليه وسلم: [إِنَّ مِنَ النَّاسِ نَاسًا مفَاتِيح لِلخَيْرِ وَمَغَالِيْق لِلشَّرِّ]

Omubaka (S.A.W) agamba nti: *"Mu Bantu mulimu abantu nga bbo beebaggulawo ebirungi nebaggalawo ebibi"*

Kubanga n'okunoonya abamanyi abaamazima n'aboluganda abalungi ababuulirira n'okubeera wakati wabwe, nsonga nkulu nnyo mu nsonga ezinyweza omuntu.

Baganda bo abalongoofu era nga balezi abagunjuzi era eby'okulabirako ebirungi kimanye nti aba bayambi gy'oli oluvannyuma lwa Allah mu kkubo lino era bakunyweza n'ebyo byebayina mu Aya za Allah n'okuteeka buli kintu mu kifo kyakyo ekituufu (Hikamu) n'olwekyo beera nabo owangaale nabo era tewelyazamanya nakwesambya mutima gwo bulungi obwo obw'okutuula n'okuwangaala nabo mu ntuula zabwe ezibeeramu okujjukira Allah. Era nkwewaza okubeera nga obeeyawulako n'obewala n'obeera wekka kuba Shayitwan ejja kukuzingako

ekubuze nga omubaka bwe yagamba nti: omusege mu mbuzi gulyamu eyo eyeeyawudde.

12) **Okubeera n'obukakafu nti Allah** ajja kutaasa eddiini eno, nti era embeera ennungi ejja mumaaso era obusiraamu bwe bujja okufuna obuwanguzi.

13) **Okumanya obw'onoonefu**
N'obutasikirizibwa na birungi. Allah agamba mu Surati Al-imran Aya 196 agamba nti:

قال تعالى: ﴿لاَ يَغرنَّك تَقلبُ الذين كَفرُوا فى البِلَاد مَتَاعٌ قَليلٌ ثمَّ مَأْواهُم جَهنَّمُ وَبِئسَ المَصير﴾

*"Tekukulabankanya okugenda nga bwebadda abakafiiri (okkulaakulana kwabwe) mu bibuga, mazima okwo kweyagalamu kwa'kaseera katono naye oluvannyuma obuddo bwabwe muliro, era bubi nnyo obuddo obwo"*

Kuno kwali kulabula eri omukkiriza obutalabankanyizibwa n'ebyo byebalimu abonoonefu mw'ebyo bye bafuna n'ebyo bye banaafuna mu nkulakulana, kubanga mu mbeera yonna obuddo bwabwe muliro Jahannam era bubi nnyo obuddo obwo.
Kubanga bino eby'okweyagala kwensi biggwawo, ate nga tebiriimu kantu. Tebiyina wadde akatono

kebizitowa kw'ebyo Allah bye yategekera abakkiriza abannamaddala mu jjana.

**14) Okweyisa mu mpisa ezikuyamba okuba omunywevu ku ddiin;**
Nga n'omutwe omukulu mu mpisa ezo bwe buguminkiriza nga era bwekyajja mu Hadiith entuufu eyawandiikibwa Imaam Muslim egamba nti:

قال رسول الله صلى الله عليه وسلم: [وَمَا أُعْطِيَ أَحَدًا مِنْ عَطَاءٍ خَيْرًا مِنَ الصَّبْرِ]

Omubaka (S.A.W) agamba nti: "*Tewali yawebwa yenna mw'ebyo ebiwebwa abantu ebirungi okusinga oyo eyaweebwa obuguminkiriza"*

15) **Okulaamirwa omuntu omulongoofu.**
Yaayaanira nnyo muganda wange ow'ekitiibwa okubeera nga onoonya okulaamirwa okuva mu bantu abalongoofu era omusseko nnyo ebirowoozobyo bw'obeera okufunye.

- Kunoonye nnyo nga tonnatambula lugendo singa otya ebyo ebiyinza okukutuukako mulwo.
- Era kunoonye bulijjo mu kiseera nga ofunye okugezesebwa.
- Era kunoonye bulijjo bw'owebwanga ekifo kyonna eky'obuvunaanyizibwa oba nga osikidde emmaali oba obugagga.

- Era weenyweze ggwe kenyini onyweeze n'abalala banno, ne Allah ye mukwano gw'abakkiriza.

**16) Okufumintiriza ennyo ku byengera by'omujjana n'ebibonerezo by'omumuliro n'okujjukira okufa.**

Ejjana kibuga ky'akwesiima ate era eky'okusangula ennaku era kwetaaya kw' abakkiriza. So nga emitima gyatondebwa nga tegyagala kwewaayo kumenyeka ewamu n'ekyo nga emirimo eginyweza omuntu gibeeramu okusomoozebwa okuteeka omuntu mukutagana n'okwekakkanya. Era eryo kkubo omuli obuzibu n'obuzito ebiseera ebimu naye nga oyo amanyi empeera ennyingi ezimulindiridd, Kino kimuwewusiza kubuzito obwo obw'emirimo egyo gy'aba ayina okukola. Era atambula nga amanyi nti singa anaaba tanywedde n'aguma n'akola emirimo egyo agenda kusubwa ejjana obugazi bwayo obwenkana eggulu n'ensi.
So nga kwo okujjukira okufa kukuuma omusiraamu n'atamala gasaatuukira mw'ebyo Allah byeyamuziyiza nekumukugira n'akoma kunsalo za Allah n'atazibuuka oluvannyuma lw'okumanya nti ekiseera ky'okufaakwe kikyayinza okubeera nga kituuse nekumutuukako oluvannyuma lw'alutemya lwa liiso nga yaakamala okujooga Allah.

Era omutima gwe gumubanja obutabeera nga awangaalira mu bujeemu n'obwakyewaggula n'okwawukana kw'ebyo Allah by'ayagala. Era y'ensonga lwaki yatugamba omubaka (S.A.W) nti nga bwekiri mu Hadiith eyawandikibwa Tirimizi nti:

قال رسول الله صلى الله عليه وسلم: [أَكْثِرُوْا مِنْ ذِكْرِ هَاذِمُ اللَّذَّاتِ]

Yagamba omubaka (S.A.W) nti: *"Muyitirize nnyo okujjukira omukaaya w'ebiwooma (okufa).*

## EBIFO MWE TUTEKWA OKUNYWERERA ENNYO

### 1) Okunywera mu kiseera ky'ebikemo

Kino kiraga nti ekifaananyi ekyamanyi ekiraga omuntu nti munywevu ku ddiini, kw'ekubeera omunywevu mu kiseera ky'okugezesebwa, era nga kw'ekunywera munnaku ezeetaagisamu ennyo obuguminkiriza obw'amaanyi nga bweyalaga nti omuntu aguminkiriza muzo afuna empeera eza baswahaba amakumi ataano n'olwekyo omuntu ono atunulira obungi bwempeera ezo ezamulaganyisibwa mu kiseera ky'okugezesebwa n'aguminkiriza olw'obulungi obwo obutenkanika.

Azoogerako omubaka mu Hadiith eyawandiikibwa Shk. Alban mu Silisirat Aswaheehe;

قال رسول الله صلى الله عليه وسلم: [إِنَّ وَرَائَكُمْ أَيَّام الصَّبْر لِلمُتَمَسِّكِ فِيْهِنَّ يَوْمَئِذٍ بِمَا أَنْتُمْ عَلَيْهِ أَجِرُ خَمْسِيْنَ مِنْكُمْ، قَالُوْا: يَا نَبِيَّ اللهِ أَو مِنهُمْ، قَالَ: بَلَ مِنكُمْ]

Agamba omubaka (S.A.W) nti: *"Mazima emabega wammwe waliyo ennaku ezijja nga zeetaaga okuguminkiriza ennyo era nga omuntu eyekutte ku ddiini mubo n'agikola ngammwe bwemugikola mmwe olwaleero agenda kufuna empeera z'abantu ataano mummwe. Kyebava bamubuuza nti owange nabbi wa Allah, oba abantu ataano mubo, n'agamba nedda ataano mu mmwe"*

**N'ebimu ku bika by'ebikemo**

1. Ekikemo kyemmaali n'ebitiibwa: Mu bikemo bino ebibiri mubaamu okugezesebwa kunene nnyo. Omubaka (S.A.W) kyeyava agamba mu Hadiith eyawandiikibwa Tirimizi egamba nti:

قال رسول الله صلى الله عليه وسلم: [مَا ذِئْبَان جَائِعَانِ أُرسِلاَ فِي غَنَم بأفسد لَهَا مِن حِرصِ الْمَرْءِ عَلَى الْمَالِ، وَالشَرَف لدِيْنِهِ]

Agamba omubaka (S.A.W) nti: *"Tegiri emisege ebiri nga miyala nnyo, nga gisindikiddwa mu mbuzi,*

*nti gyonoona nnyo okwenkana omuntu bw'ayonoona eddini ye olw'okwagala ennyo emmaali n'obukulembeze n'ebitiibwa"*
Olw'okululunkanira ennyo, bino byonoona eddiini y'omuntu okusinga emisege bwe gy'onoona embuzi

2. **Ekikemo ky'omukyala n'abaana;** agamba Allah mu Surat Tagaabun, Aya 14;

قال تعالى: ﴿إِنَّ مِنْ أَزْواجِكُم وَأولادِكُم عَدوًّا لَكُم فَاحْذَرُوهم﴾

Allah agamba nti: *"Mazima abamu ku bakyala bammwe n'abaana bammwe balabe gyemuli n'olwekyo mubeewale"*

3. **Ekikemo ky'okunyigirizibwa n'obujeemu n'obulyazamaanya**. Mu bino ebikemo mubeeramu okugezaako okwagala okujja omuntu omusiraamu ku ddiini ye.

4. **Ekikemo kya Maseehe Dajjaalu**
Omubaka (S.A.W) yamutwekesa Maseehe Ddajaalu era n'atulagira singa tubanga tugezesedda naye, tubeere nga tuguminkiriza era tubeere banywevu n'obutabuzibwabuzibwa n'ebyo by'aliba nabyo, mu maanyi agalabwako era nga bweyagamba (S.A.W) mu hadiith eyawandikibwa Ibun Maajah;

قَال رسول الله صلى الله عليه وسلم في الدجال: [فَمن رآهُ منكُم فليَقرأْ فواتحَ سورةِ أصحاب الكَهْفِ قال: يخرُجُ ما بينَ الشَّامِ والعِراقِ، فعاثَ يمينًا وَ شمالًا، يا عبادَ اللَّهِ فاثبُتوا]

Agamba omubaka (S.A.W) nti: *"Omuntu Abeera nga amulabye mummwe, asome Aya eziri ku ntandikwa y'essuura Al-kahaf. Mazima agenda kuvaayo nga aviirayo wakati wa Shaami ne Iraq, agende ebuva njuba agende n'ebugwa njuba. Abaddu ba Allah munywere!"*

Era ne hadith ya Nawaasi bun Samu-an:

Era yatunyonnyola omubaka (S.A.W) ekifaananyi ky'obunywevu bweyatubuulira amawulire amatuufu ku musajja omukkiriza nga anywera mu maaso ga Dajjalu era abeere n'okukakasa okwannamaddala olw'obunywevu nga bwe kyajja mu Hadiith eyawandiikibwa Imaam Bukhari:

Agamba omubaka (S.A.W) nti: *"Agenda kujja Dajaalu nga naye yaziyizibwa okuyingira mu bitundu munda mu madiina. Agenda kutuuka ku bufulumira obuva mu Madiina, afulume gyali omusajja mukiseera ekyo, nga n'omusajja oyo y'asinga obulungi mu Bantu oba ali mu basiinga obulungi mu Bantu. Amugambe nti nkakasa mazima ggwe Dajjaalu oyo omubaka (S.A.W) gwe yatunyumizaako*

*ebimukwatako. Dajjaalu agambe nti: omu mummwe olaba atya singa nzita omusajja ono oluvannyuma nemmuzuukiza, abaffe era mubeera mumbuusabuusa mu nsonga zange? Balimuddamu nti nedda. Agenda kumutta oluvannyuma amuzuukize, agambe omusajja ono nga bamaze okumuzuukiza agambe omukkiriza nti: Ndayira Katonda, era leero neyongedde okukakasa nti ggwe Dajjaalu. Dajjaalu alimugamba nti: ŋenda kuddamu nkutte, naye Katonda tagenda kuddamu kumusobozesa kumutta"*

### 2) Obunywevu mu kulwana mu kkubo lya Allah (Jihaadi);

Mazima omukkiriza ow'amazima tekumwongera okuyitiŋŋana kw'ebitala n'okufa kw'abalwana abo abali mu lutalo lw'okutaasa eddiini ya Allah n'okufufuggaza abalabe ba Allah, okujjako bino bibongera bunywevu nakwewaayo era n'okusuubira okwanjula eri ow'ekitiibwa Allah omu yekka nga bannonya okusiima kwe n'okubasonyiwa nga bw'agamba Allah nga aboogerako mu Surat Al-Imraan, Aya 146-147 nti:

قال تعالى: ﴿وَكَأَيِّنْ مِنْ نَبِيٍّ قَاتَلَ مَعَهُ رِبِّيُّونَ كَثِيرٌ فَمَا وَهَنُوا لِمَا أَصَابَهُمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَمَا ضَعُفُوا وَمَا اسْتَكَانُوا وَاللَّهُ يُحِبُّ الصَّابِرِينَ

﴿ وَمَا كَانَ قَوْلَهُمْ إِلَّا أَنْ قَالُوا رَبَّنَا اغْفِرْ لَنَا ذُنُوبَنَا وَإِسْرَافَنَا فِي أَمْرِنَا وَثَبِّتْ أَقْدَامَنَا وَانْصُرْنَا عَلَى الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ ﴾ (١٤٦-١٤٧)

Agamba Allah nti: *"Era bameka mu banabbi abaalwana n'abalabe nga nemubbo abakkiriza baali bangi naye tebaanafuwa n'ebyo eby'abatuukako mukkubo ly'okutaasa eddiini ya Allah era tebakakkanyizibwa era ne Allah ayagala nnyo abaguminkiriza. Era tekyali ekigambo ky'abakkiriza abo okujjako baasaba nga bagamba nti: Ayi Katonda Mukama waffe, tusonyiwe ebyonoono byaffe era otusonyiwe okusukka kwaffe ekipimo mu nsonga zaffe, era onyweze ebigere byaffe, era otutaase ku bantu abakafiiri".*

Bwetutyo no bwe baabeera abasajja abazira Allah beyawa obunywevu nga tebayuguumizibwa nakibuyaga nga bebayuguumizibwa bannabwe abayina obukkiriza obunafu era ky'ava agamba Allah mu Surat Baqara, Aya 250;

قال تعالى: ﴿ وَلَمَّا بَرَزُوا لِجَالُوتَ وَجُنُودِهِ قَالُوا رَبَّنَا أَفْرِغْ عَلَيْنَا صَبْرًا وَثَبِّتْ أَقْدَامَنَا وَانْصُرْنَا عَلَى الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ (٢٥٠) ﴾

Agamba nti: *"Bwebaamala okwejjayo balwane ne Kabaka Jaaluta n'amagy'ege, baagamba nti: Ayi Katonda mukama waffe, tuyiire otuwe*

*obuguminkiriza era onyweze ebigere byaffe era otutaase kubantu abakafiiri".*

Bwebityo bibeera ebibala by'okuguminkiriza n'obunywevu, kubeera kwesiima okwannama ddala kuno kunsi ate nga era banannyinikwo balindiridde ompeera ezamaanyi olunaku lw'enkomerero okunywerera ku nkola (Manhaji) entuufu eyeddiini.

Omusiraamu ow'amazima yooyo ey'ekuuma olw'ekuuma olw'amaanyi okulaba nga ateeka mu nkola okusoma obusiraamu, era nga bwayina okw'ekuuma okuleka obuzuuzi mu ddiini era n'okuleka obwonoonefu n'okwelaga, wabula neyekwata kunkola y'omubaka (S.A.W) okutuuka lw'abeera mu bagenda okwesiima kulw'obuyinza bwa Allah.

Kuba abakowooze abakowoola abantu okubatwala mubuzuusi bangi naddala mu mulembe guno, bbo bongere ebintu ebizuule mu (Sharia) mu mateeka ga Allah ekintu ekikyamu era ekyatugaanibwa, bambi bbo tebategeera nti eddiini ya Allah nzijuvu tekendezebwa ate teyongelwamu. N'olwekyo kikakata ku musiraamu yenna okwewalira ddala okugwa mu buzuuzi mu ddiini.

## 3) OKUNYWERA MU KISEERA KY'OKUFA:

Mazima abantu abakafiiri n'abwonoonefu bammibwa obunywevu bwe baba batuuse mu kiseera ky'okufa mu kiseera ekisinga okubeera nga omuntu ekyetaaga nnyo okusembera eri Allah akomekkereze bulungi era asiibule bulungi ensi eno naye Allah abamma okwatula (Shahada) ekigambo kya Laa ilaaha illa, okubeera nga bakisembyayo mu bigambo byabwe so nga nabbi (S.A.W) yagamba mu Hadiith eyawandikibwa Abi-Dauda nti:

قال رسول الله صلى الله عليه وسلم: [مَنْ كَانَ آخِرِ كَلامِهِ لا إِلَهَ إِلاَّ الله دَخَلَ الْجَنَّةَ]

Agamba omubaka (S.A.W) nti: *"Omuntu abeera nga ekigambo kye ky'asembezzaayo okwogera nga tannafa agambye nti: Laa ilaaha ilaa-Llah oyo ayingira ejjana".*

N'olwekyo bano bbo abajeemu, Allah ekyo akibamma tebasobola kukyogera so nga ako kaba kabonero ka nfa mbi.

Era kino kiraga nti okwatula ekigambo kino, Allah takigaba okujjako eri oyo omukkiriza ow'amazima mu bukkirizaabwe.

Era ne mubimu ebyali bibaddewo, ebiraga enkomerero embi, lumu yagambibwa omu nga ali mu kiseera ky'okufa, baamugamba nti gamba nti:

Laailaah illa-Llah, yatandika okunyenya omutwegwe nga aguzza kuddyo ne kukkono. Amakulu nga agaana awakanya ekyo ekimugambiddwa, era enkomerero yamaliriza nga ayogera bigambo bitayina mugaso nga mubyo mwemuli n’enyimba.
Kinonno eky’akireeta kw’ekubeera nga omuntu ono ebintu bino by’amulabankanya nebimujja ku kujjukira Allah n’okumusinza, n’abeera nga kw’awangaalidde kubyo, bwatyo Allah n’atamuwa busobozi bwatula Shahada. Era batera okulabibwako abamu mu Bantu abo nga bafa nga ebyenyi byabwe biddugadde nnyo, era nga bavaamu ekivundu ekibi ennyo, oba okukyuka nebava ku kibula mu kiseera nga emyoyo gyabwe gijjibwamu. Mazima tewali ayina busobozi wadde amaanyi okujjako Allah.
So nga bbo abantu abalongoofu ab’ekutte ku Qur’an ne Sunna za nabbi (S.A.W), bbo Allah abasobozesa okufuna obunywevu mu kiseera ky’okufa n’abasobozesa okwatula (Shahada) ekigambo kya Laa ilaaha illa llah, Muhammad Rasuurullah. Oba batera okulabibwa mu mbeera z’okufa kwabwe ebyo ebiraga enfa ennungi, gamba nga okwakayakana kwe byenyi byabwe, oba okuvaamu akawoowo akalungi, N’embeera y’okulaga essanyu nga babajjamu emyoyo gyabwe olw’okufuna okusanyusibwa kwaba malayika nga babasanyusa

n'ejjana. Era nga Allah bweyaboogerako n'agamba mu Surat Fusswilat, Aya 30 nti:

قال تعالى: ﴿إِنَّ الَّذِينَ قَالُوا رَبُّنَا اللَّهُ ثُمَّ اسْتَقَامُوا تَتَنَزَّلُ عَلَيْهِمُ الْمَلَائِكَةُ أَلَّا تَخَافُوا وَلَا تَحْزَنُوا وَأَبْشِرُوا بِالْجَنَّةِ الَّتِي كُنْتُمْ تُوعَدُونَ ﴿٣٠﴾﴾

Agamba Allah nti: *"Mazima abo abagamba nebakkiriza nti omulezi waffe ali omu yekka Allah, zibakkira zimalayika mukaseera k'okufa kwaabwe nga zibagamba nti temutya era temunakuwala, wabula musanyusibwa n'ejjana eyo gyemubadde mulagaanyisibwa"*

N'okunyonnyola amakulu ga Aya eno, nti abo abaatuza n'ennimi zabwe, nebakkiriza ne mumitima gyabwe nti omulezi wabwe era omusinzibwa wabwe ye Allah yekka, oluvannyuma nebanywerera ku kw'awula Allah okwo, nebakola n'emirimu gy'obusiraamu, Allah abassiza zimalayika mu kiseera ky'okufa kwabwe zibabudeebude era zibagumye nti temutya kufa wadde ebyo ebinaddirira oluvannyuma lw'okufa kwammwe, era temunakuwala olw'ebyo byemulesse emabega wammwe nga abaana n'abakyala, ffe tugenda kubalabirira, era musanyusibwa n'ejjana eyo gyemubadde mulaganyisibwa era gyemubadde mukolerera okugifuna.

# MU BIMU KU BY'OKULABIRAKO BY'OBUNYWEVU

**Bilal bun Rabah**;
Ono yali muddu okuva e Habasha, nga yali mwaziinyi wa Nabbi (S.A.W) eyasooka – Allah asiime kuyye. Naye omuddu ono, bweyawulira nabbi Muhammad (S.A.W) n'okukowoolakwe abantu okuyingira mu ddiini ya Allah, yayanguwa mangu nnyo n'ayingira obusiraamu era mangu nnyo mukamaawe *Umayya bun Half* n'akitegeera nti Bilal ayingidde obusiraamu. Y'ekamwana n'asunguwala nnyo era n'atandika okumubonereza nga ayagala ave mu busiraamu.
Bilal yakubibwa olukubwa olw'amaanyi, n'atwalibwanga mu musana pereketya, nebamugalamiza mu musenyu ogwokya nga bamusibye akandooya ate nga mukifuba bamutaddeko oguyinja ogunene. Naye Bilal ebyo tebyamuterebula, yaddiŋananga kigambo kimu nti: Allah ali omu yekka. Gyebaakoma okumubonereza naye gyeyakoma okwogera ekigambo ekyo ekikasa nti Allah ali omu. Ebibonerezo bino by'amukolebwako okumala ebbanga gwanvu nnyo, kyokka nga naye anyweredde ku busiraamu. Okutuusa Abubakar (R.A) lweyayogeraganya ne

mukamaawe (Umayya) n'amumuguza. Olwo Abubakar n'amuta okuva mu buddu.
Mu lutalo lwe Badir olunene, baasisinkana Umayya ne Bilal awamu n'okubeera nga yamubonyabonya nga ayagala amujje mu ddiini…

**Ammaar bun Yasir**:
Kitaawe yajja okuva e Yaman n'ajja e Makka. Eno gyeyawasiza omukyala gwebayita Sumayya bint Khiyatw, Allah n'abawa ezadde. Family eno yayanguwa mangu okuyingira obusiraamu newankubadde yali ntono. Family eno yabonyabonyezebwa n'ebibonerezo eby'abuli ngeri okuva muba Quraish. baayanikibwa mu musenyu gw'eMakka ogubabula nga kki! Nebammibwa amazzi n'emmere nga kw'ogasse okukubwa emiggo emiyitirivu egyatuuka n'okubayuzayuza emibiri gyonna.
Baatekebwako agayinja aganene ku bifuba byabwe mbu baterebuke bave mu busiraamu, naye baayongera kunywerera ku diini yabwe. Olw'ebibonerezo ebinji, maama yatuuka n'afa. Naye omwana Ammal ne kitaawe Yasir bbo Allah yabasaasira ne bawangula.
Kigambibwa nti Nabbi (S.A.W) yali nga ayagala nnyo Ammal olw'obuvumu bweyalaga okunywerera

ku busiraamu n'okugumira ebibonerezo kyokka nga yali mwana muto!

**Musw-abu bun Umairi**:
Musw-abu ono yali muvubuka era nga ali mu mbeera eyeeyagaza kubanga yalina ensimbi nga yakolamu. Olwali olwo n'awulira abantu b'omu Makka nga boogera ku nabbi (S.A.W) eyali amanyikiddwa nti mwogezi w'amazima, nga bagamba mbu ayita abantu okusinza Katonda omu yekka era abagaana okusinza ekirala kyonna ekitali Allah. Musw-abu ono yamanyako nti nabbi (S.A.W) neba Swahababe bakuŋŋanira munju ya *Arqam bun Arqam* n'abasomera Qur'an era n'abayigiriza eddiini yabwe eyo empya. Lumu akawungezi, yasalawo naye agendeyo awulire biki omubaka ono by'asomesa.
Ekiwoomereze nga bwekizaala enkenku, Musw-abu yamala ddaaki n'amatira ebigambo by'omubaka (S.A.W) naye nakkiriza obusiraamu. Yabukkiriza naye nga tabwolesa. Kino teyakikola lwa kutya ba Quraish, wabula yali atyannyo nyina eyali amwagala ennyo, kyokka nga naye nga omwana yali awa nnyo nyina ekitiibwa.
Mukwewuuba ewa Arqam, lumu omu kuba Quraish yamulaba nga ayingirayo. Kyeyava adduka n'agenda abuulira nnyina nga bwegubadde. Nyina yanyiiga

nnyo, kyeyava akwata Musw-abu n'amusibira mu kimu ku bisenge by'enjuuye. Naye kino Musw-abu tekyamuterebula, wabula yayongera kunywera na kulemera ku ddiini y'obusiraamu.
Nyina yalaba omwana alemeddeko, kyeyava akyusa ekibonerezo. Yamujjako buli kyonna kyeyali alina nga eby'okulya, eby'okunywa, ebyambalo n'ebyobugagga byonna, Musw-abu n'afuuka omwavu lunkupe nga ayambala na miziina.
Olw'okwagaliza nnyina ekkula ly'obusiraamu, Musw-abu yafuba nnyo okukowoola nnyina ayingire mu busiraamu, wabula nyina yakomba kw'erima n'alayira nti nebwebuliba ddi taliyingira ddiini ya busiraamu.
Nabbi (S.A.W) yamufuula omubakawe (ambassador) n'amutuma e Madiina agende akowoole abantu baayo bayingire obusiraamu era abubayigirize. Muswabu w'atuukira mu Madiina, yasanga waliyo abantu kumina babiri bokka abaali bamaze okukkiriza obusiraamu. Omulimu yagukolera ddala bulungi, era Allah n'amusaasira banji ne bayingira obusiraamu.
Mu lutalo lwe Uhudi, Musw-abu eyali omuvubuka embula kalevu, y'eyakwata bendera y'obusiraamu. Yagikwata mu mukono ogumu ate nga omulala guwujja kitala. Eky'omukisa omubi, abashiriku baamufunza nebamwetoloola, omu kubo

n'amutemako omukono ogwali gukutte bendera. Musw-abu yaddira omukono ogwali gukutte ekitala n'asalawo gukwate bendera y'obusiraamu yeewububire waggulu. Omushiriku yaddamu n'amusooberera n'omukono ogw'okubiri n'agutemako, bendera n'egwa. Okumanya Musw-abu yali muzira, yayoolayoola bendera n'obukuggu bw'emikono bweyali asigazza n'agiwambaatira n'agiwanika. Abashiriku baanyiiga, omu kubo kyeyava omusona akasaale mu kifuba, bwatyo n'afa ne bendera n'egwa wansi.
Omubaka (S.A.W) bweyamulaba n'asoma ekigambo kya Allah ekiri mu Surat Ahizaab, Aya 23:

قال تعالى: ﴿مِن المؤمنين رجال صدقوا ما عاهدوا الله عليه﴾

Allah agamba nti: *"Mubakkiriza mulimu ate abasajja, baakakasa kyebaalaganyisa Allah"*

**Ummu Sharik Guziya bint Jaabir**:
Ono anyumya nti: Ab'oluganda lwa baze bwebaategeera nti nsiramuse, beerayirira nga bwe bagenda okumbonereza olubonereza ddeka busa. Banfulumya munju yaffe, nebanteeka ku ŋamiya eyali efaanana obubi nga yeenyinyalwa. Bandiisa omugaati n'omubisi gw'enjuki, era tebampa wadde ku ttondo lya tuzzi lyonna. Enkeera nga omusana gw'ememula, baagundekamu bbo nebassa wabbali

weema nebabeera omwo. Omusana gwanjokya nempulira nga n'obwongo bulinga obutokota, nempunga nga sikyategeera na bigenda mumaaso. Kino bakinkola okumala ennaku satu. Kuluno olw'okusatu, bambuuza obanga nzikirizza okuva ku ddiini ya Muhammad (S.A.W) naye nga ne byebambuuza sikyabitegeera okutuusa nga bamaze kunziriramu kigambo ku kigambo. Olw'okuba omutima gwali gukalubye, nange nga ndaza bulaza nti nze nyweredde ku ddiini yange busiraamu.
Bambonyabonya olubonyabonya, naye nagenda okulaba nga ndaba akalobo k'amazzi kajja mu kifuba kyange nga ganyogoga, nenkakwata nenywa olunywa lumu nekanzijibwako. Nentunula waggulu, nagenda okulaba nga kasibiddwa wakati w'eggulu n'ensi. Saasobola kukajjayo! Oluvannyuma kajja omulundi ogw'okubiri era nennywa, era nekasitulwa nentunula waggulu era nendaba nga kali wakati weggulu n'ensi. era oluvannyuma nekadda omulundi ogw'okusatu era nenywa okutuusa lwenagwibwako enkalamata, agaasigalamu nebaganjiwa mu mutwe ne mukyenyi ne kungoye zange.
Bwe baafuluma weema nebandaba nga ntobye, kyebaava bambuuza nti ggwe omulabe wa Allah, amazzi ogajjewa? Kyenva mbaddamu nti nze ssinze mulabe wa Allah, wabula omulabe we ali mw'abo

abawakanya eddiini ye. Amazzi gemwebuuza nti ngajjewa, Allah y'agampadde, agampeerezza nga kyakunywa era kyakulya.
Mubwangu ddala, baddayo mu weema yabwe nebagamba nti: tukakasizza nti mazima Katondawo ye mukama waffe omulezi waffe. Oyo akugabiridde by'akugabiridde mu kifo nga kino, oluvannyuma ly'okukutulugunya, yooyo eyateekawo obusiraamu.
Bwe batyo bonna baamala nebasiramuka, era nebasenguka nebagenda eri Nabbi (S.A.W). Baali nga bakkiriza obulungi bwange gye bali n'ebyo Allah byeyankolera.
Ayi Allah mazima ffe tukusaba otuwe obunywevu mu ddiini yaffe ey'obusiraamu.

# Ebirimu

AMAKUBO AGAKUYAMBA OKUBA OMUNYWEVU KU DDIINI ........................................................... 3

AGAMU KU MAKUBO AGALEETA OBUNYWEVU ..... 13

EBIFO MWE TUTEKWA OKUNYWERERA ENNYO ... 31

MUBIMU KU BY’OKULABIRAKO BY’OBUNYWEVU .. 41